**29th May 2016.**

# ENTANDIKWA Z'AMAWANGA.

**Lubereberye 10.**

Omulundi ogwaggwa lwe twaali mu kitabo ky'olubereberye eky'entandikwa twaleka Nuuwa, musajja wa Mukama Katonda eyasomosa ezadde lye awamu n'ensolo zonna ezaawona amataba, ng'afudde ng'awezezza emyaka 950.

Era mu kitundu kino muu ssuula eno awamu n'eddako tulagwa entandikwa z'amawanga n'ennimi, nga bwe zaasibuka mu musaayi gumu wadde enjawukana nnyingi era okusaasana kw'abantu ku nsi kwabunya bangi wala nnyo.

Omutume Paulo y'ajjukiza Ab'asene mu Bik. 17:24 - 26 nti "Katonda eyakola ensi n'ebirimu byonna, oyo kubanga ye Mukama w'eggulu n'ensi tabeera mu masabo agakolebwa n'emikono, so taweerezebwa mikono gya bantu, ng'eyeetaaga ekintu, kubanga oyo ye abawa bonna obulamu n'okussa omukka ne byonna; yakola okuva ku omu buli ggwanga ly'abantu okutuulanga ku nsi enjuyi zonna, bwe yalagira n'ayawulamu ebiro n'ensalo ez'okutuula kwabwe: banoonyenga Katonda mpozzi bawammante okumulaba, newakubadde nga tali wala wa buli omu ku ffe: kubanga mu oyo tuba balamu, tutambula, tubeerawo; era ng'abamu ab'ewammwe abayiiya bwe bagamba nti Kubanga era tuli zzadde lye.

Na bw'ekityo, mu nsoma yaffe ey'essuula gyetuli leero…….[*Soma*]

- Bazaala luvannyuma lw'amataba.
- Ennyiriri z'abantu ensanvu abamenyebwa ssi nzijuvu eri ezadde oba obuzaalirwana bwonna, wabula Musa yanokolayo beyanokolayo ng'Omwoyo bwe yamuluŋŋamya bwekyaalikyeetaagisa ekimala okumanya.
- Ensaasaana etuukiriza Mukama kye yalagira Nuuwa ne batabani be ng'abawa omukisa mu ssuula 9:1 nti……
- Era etuukiriza ebyo Nuuwa bye yalaamiriza batabani be mu 9:25-27…..

Mu Yafeesi mwe mwaava ba nnabulaaya ab'ebugwanjuba. Mu Gomeri mwe muva Abagyamani n'ezaalwa z'Abafaransa ba nnansangwaawo. Mu Magogi ne muva Abarussia. Mu Madayi ne muva Abameedi. Mu Yivani ne muva Abayonaani. Bonna nga bwe tubalaba mu Bulaaya. (Europe).

Mu Kaamu mwe mwaava ffe bannafrica. Ezadde lya Kuusi be beyawulamu okusibuka Abababilooni, abalala ne badda Esiyopia.
Tubuulirwa ku Nimuloodi, omusajja eyava mu Kuusi eyatandika obwakabaka bwe Baberi, ekibuga kyetuneeyongera okulaba mu ssuula eddako. Eyalu omututumivu era ow'obukambwe ennyo okutandika okufuga abalala.
Mizulayimu (lnny.13) Kitaawe wa Bamisiri (Mizulayimu kye Misiri mu lw'ebbulaniya)
Ne tulaba Kanani eyakolimirwa Nuuwa, azaala Abakiiti….(lnny. 15) n'abasinga mu buvanjuba bw'ensi…Abachina, ne bannaabwe….

Mu Seemu ne muva Abaperusi, n'Abasiiri, omwaava Abaebbulaniya ne Ibuyayimu mwe yava. Era mu yye mwe mwaava Abawarabbu….. be ba Yokutaani.
Era kigambwa nti Yobu gwe tumanyi obulungi ow'ekitabo ekyo – Yobu ye Yobabu ow'olnny.29..

- Bino byaliwo oluvannyuma lw'amataba… lnny.1 n'olnny. 32……
- Enjawukana mu ndabika z'abantu tezigwaanidde ttulemesa kkwatagana okuweesa era okuweera awamu Mukama Katonda ekitiibwa ekimugwaanidde…
- Essuula etuteekerateekera ebiddako mu ssuula 11, ebyaafa ku Nimuloodi eyali omujeeemu eri Mukama ng'erinnya lye bwe lyaali!.....
- Essuula etuteekerateekera okulaba Ibulayimu ow'olulyo lwa Seemu eyalondwa Mukama okuba ow'enkizo mu kusibukwaamu kw'ezzadde ly'obulokozi bw'ensi yonna…
- Etuteekerateekera okutegeera entalo z'abaana ba Isiraeri n'abakanani gyebuggya mu Baibuli…..
- Mu byonna etusiigira ekifaanani ekirungi ky'obutonde bw'ensi, Mukama Katonda gyalinako obuyinza.